# Balabudde abalwadde b'ensimbu

Bya MOSES NYANZI

ABAANA abalina obulwadde bw'ensimbu nga babudaabudiddwa eddwaaliro lya Mother's And Children's Medical Centre e Bulamu-Kasangati balabuddwa ku kabi akali mu kubeera awali ebireekaana.

Abakugu bagamba nti kino kino kittula obulwadde buno. Omusawo Caroline Kisakye bwe yabadde ayogera eri abaana bano ku kabaga akaabategekeddwa okwebaza Katonda yabagambye nti,"Nga mwagala okubeera n'eddembe, mwewale okubeera mu musana, ebirekaana, mwewale okusunguwala, munywe mnyo amazzi, amata nga bwe mwettanira eddagala," Kisakye bw'agamba. Ayongerako nti abaana bano bayigirizibwa okuluka ebyemikono n'okukozesebwa ebintu eby'enjawulo nga bagenderera okubakuuma ng'obwongo tebwesibidde wamu.

Agamba nti ekirwadde kino kireteebwa omusajja omungi ogulinnya ku bwongo, ate oluusi bubeera buzaale. Eddwaaliro lino eribudaabuda n'okujjanjaba abaana abagwa ensimbu, lyatandikibwawo eyaliko omukozi wa Bukedde, James Walugembe oluvannyuma lw'omu ku baana ne okufuna embeera eno.



MOSES NYANZI.

Abaana abalina obulwadde bw'ensimbu nga basala keeki.